



**Emitwe gy'Ebikulu Ebifa ku Mbeera y'Ebirime Ebyembala Ebyetunzi Mungsi Yonna : 2012**

**Bya Clive James, Omutandisi era Ssentebe w'Ekitongole kya ISAAA**

**Kiwandiikibwa kulwaako akawumbi k'abantu abali mubwaavu nokulumwa enjala n'okulaba nti bajjunwa.**

*Ebirime eby'embala byeyongera okutumbuka mu ngeri etabangawo emirundi kikumi ( 100) okuva ku kakadde 1.7 aka hekitaya mu 1996, okutuuka ku bukadde 170 eza hekitaya mu 2012.*

**Likoda y'enimiro za hekiteya obukadde 170.3 , zezaalimwa mungsi yonna mu mwaaka gwe 2012, eno nkulakulana ya bitundu mukaaga ku buli kikumi ( 6%), era okulinya kwa bukadde 10.3, okuva ku bukadde 160 obwa hekiteya ezaalimwa mu 2011.**

**Omwaaka gw'e 2012 gwayolesa okulinya mu bungi bwe nimiro okutambangawo, kwa mirundi kikumi okwa hekitaya ezalimwa nga zabirime ebyembala, okuva ku kakadde 1.70 mwaaka gwo 1996 , okutuuka ku bukadde 170 eza hekitaya ezalimwas mu 2012. Kino kifuula ebimera ebyembala okubeera tekinologiya we birime asinga okwettanirwa mu byafaayo bye nsangi zino- ensonga eri nti omugaso gwaabyo gweyolekerawo.**

**Mu banga okuva mu 1996 okutuuka mu 2012, obukadde bwabalimi mu mawanga 30 mungsi yonna, baasalawo kinoomu okusimba omugatte gwe nimiro ogusukka akawumbi 1.5 aka hekiteya –kwekugerageranya nno bunene bwenimiro ezisinga ensi nga US oba China ebitundu 50 ku buli kikumi ( 50 %); Kino kyoleka obwesigwa n'obumativu bwa balimi ( abantu bano batera okwekengera enyo okufiirwa ) bwebalina mu nkola ye bimera bino eby'embala eireeta emigaso egyenkukunala ate nga gyanamaddala mu nkulakulana y'abantu n'embeera y'obutonde.**

**Ensi empya biri, Sudan ( erima Pamba wa BT ) ne Cuba ( erima Kasooli wa Bt) zaasiimba ebimera bino omulundi gwaazo ogusookera ddala. Germany ne Sweden tezaasobola kusimba ekika kyo bumonde bwekika kya “Amflora” kubanga ettunzi lyaakyo lyakoma. Yo Poland yalekeraawo okusimba Kasooli owe kika kya BT olwo kukugirwa amateeka.**

**Kunsi 28 ezasiimba ebimera ebyembala mu 2012, 20 kw'ezo zikyaakula ate 8 kuzo zezaakula edda. Gino emiwendo ogigerageranya negyo egyo mwaaka gwe 2011; 19 ogwensi ezikyaakula ne 10 ezaakula edda.**

**Mu 2012 waliwo likoda yabalimi obukadde 17.3 abalima ebimera ebyembala, kwe kweyongerako kwa bitundu bya mitwaalo 60 mu 2011; ekyenkukunala ebitundu 90 ku buli kikumi ( 90%) oba obukadde 15 baali balimi abaavu, banfuna mpola abava mu mawanga aga kyaakula.**

**Abalimi bekengera nyo okufiirwa naye mu 2012, likoda yabalimi obukadde 7.2 ( bano banfuna mpola ) mu China nabalala obukadde 7.2 mu Buyindi basalawo okusimba hekitaya obukadde 15 obwa pamba we kika kya Bt olw, emigaso egyenkukunala egivaamu.**

**Ku mulundi ogusookera ddala ensi ezikyaakula zayongera okusimba ebimera ebye mbala ebitundu 52% mu 2012, nezisinga ezo ezaakula ezaasimba ebitundu 48% byokka. Mu 2012, ennima ye bimera ebyembala yakula mu bwangu emirundi essatu ate enimiro nezigaziwa emirundi ettaano mu nsi ezikyaakula, gye mirundi 11% oba obukadde 8.7 obwa hekiteya, bwogerageranya ne bitundu 3% ku buli kikumi oba akakadde 1.6 aka hekiteya ze nimiro ezalimwa mu nsi ezaakula edda.**

**Endyo ezembala engatte (stacked ) za nkukunala- ensi 13 zaasimba ebimera ebyembala eby'endyo ebiri nokusingako mu 2012, ekizaamu amaanyi 10 kw'ezo 13 zaali nsi ezikyaakula- obukadde 43.7 oba ekitundu ¼ ku bukadde 170 obwa hekiteya bwaali bwa ndyo ezembala engatte ( stacked).**

**Guno omwaaka gwakuna ogwomudiringanwa nga Brazil ye nsaale munkulakulana yensi yonna; yayongera ku hekitaya ze nimiro zaayo eze bimera ebyembala okukira ensi endala yonna-awo netteeka wo likoda eyenkukunala, kwekweyongerako kwa bukadde 6.3, nokulinyira kwa bitundu 21% okuva mu 2011, nekuweza obukadde 36.6 obwa hekiteya ze nimiro.**

**US yeyongera okubeera ensi ekulembera ng'erina obungi bwe nimiro za hekiteya za bukadde 69.5, no bujjumbize bw' enkozesa ye bimera byonna ya bitundu 90% mukutwaliira awamu. Ekyeeya kye 2012 mu US kyakossa ebutundu 21 % mu makungula ga Kasooli ne Soybean ebitundu 12%.**

**Canada yalima likoda ya bukadde 8.4 obwa hekiteya ze kirime kya Canola nekola ne likoda yo bujjumbize bwenkozessa yaakyo ya bitundu 97.5%.**

**Buyindi yalima likoda ya bukadde 10.8 obwa hekiteya ze nimiro za pamba owe kika kya Bt nga yayolesa obujjumbize bwa bitundu 93%, ate obukadde 7.2 obwa balimi banfuna mpola**

mu China balima obukadde 4.0 obwa hekiteya za pamba owe kika kya Bt nga yajjumbirwa ebitundu 80%,nga buli mulimi asimba ekitundu kya hekiteya (0.5) okutwaaliiza awamu. Buyindi yatumbula enfuna yaayo eva mu kirime kya pamba owe kika kya Bt ya buwumbi bwa dollar za America 12.6 wakati we kiseera kye myaaka 2002 ne 2011, ate mu gwe 2011 gwokka yafuna obuwumbi 3.2 obwa dollar za America.

Africa nayo yeyongera okugenda mu maaso nga South Africa yokka yayongeza likoda ya bukadde 0.6 obwa hekiteya kunimiro zaayo eze birime eby'embala nebutuuka ku bukadde 2.9 obwa hekiteya; Sudan yegatta ku South Africa,Burkina Faso ne Misiri okuweza ensi 4 ez' Africa ennimi ze birime byembala.

Ensi 5 ezolusse lwa EU zaasimba likoda y'obunene bwa hekiteya 129,071 obwe nimiro ze kirime kya Kasooli owekika kya Bt,kwe kulinya kwa bitundu 13% okuva mu mwaaka 2011. Spain yeyakulembera zinaazo eziri mu lusse lwa EU ng'essimbye hekiteya 116,307 obwe kirime kya kasooli owe kika kya Bt,kuno kwaali kulinya kwa bitundu 20% mu 2011.

Okuva mu 1996 okutuuka mu 2011, ebirime ebyembala byaletawo obukakafu bw'obungi bwe mmere, essuubi erye nkalakalira mu busobozi bwo kulima emmere emala, nokuuma embeera y'obudde ngabireetawo bino wansi:

- Bya yongeza ku makungula ge bimera agabalibwaamu obuwumbi 98.2 obwa dollar za America.
- Byaletawo embeera y'obutonde bwensi ennungi
- Byakendeeza kg obukadde 473 obwedagala eryaali likozesebwa okufuuyira ebimera mu 2011 gwokka, kino nekikendeeza kg obuwumbi 23.1 ku mukka ogwe kika kya C02,ogwaali gufuluma mu bwengula kyoyinza okugerageranya n'okujja emmottoka obukadde 10.2 ku luguudo.
- Nekikuuma obutonde bwensi nga kitaasa ettaka eriwera obukadde 108.7
- Ne kijjuna abaavu nga kiyamba abalimi obukadde 15.0 banfuna mpola awamu naba makka gaabwe abawerera ddala obukadde 50 nga bebamu ku baavu lunkumpe muni yonna.

Ebimera ebyembala byetaagisa naye ate si kikolo kya ssimba nti kivumula ebizibu byo mulimi byonna, nolwekyo kikyetaagisa ennima ennungi nga okukyusakyuusa munnima nokufuba okulaba nga ebirime bigumira embeera;kino kikulu nyo munnima y'ebirime ebyembala nga bwe kiri ku birime ebya bulijjo.

Wabula obuzibu obukyalobera okujjumbira enkozessa ye bimera bino ebyembala bukyaava ku bula lya matteeka ne nkola enungamu eyesigamye ku magezi ga sayansi,nga temala budde na ssente.

Wetaagisawo enkola na matteeka ago buvunanyizibwa nga bikakali ate nga tebireeta mberebezi mu mawanga amatono amaavu agakyaakula.

Omuwendo gwe nsigo eze birime ebye mbala zokka gwablibwaamu obuwumbi 15 mu 2012. Essuubi liri nti wajja kubaawo okulinya kutonotono buli mwaaka olwe ngeri ebimera byonna ebyembala ebikulu gyebijjumbiddwa mu butale obukulu obusangibwa mu nsi ezikyaakula n'ezo ezaakula edda.

ISAAA si kitongole kya busuubuzi ekigenderera okufuna amagoba, kiwagirwa gavumenti ne bitongole ebisuubuzi. Omuwendo gwa hekiteya ze nimiro ze birime ebyembala ogufulumira mu biwandiiko bya ISAAA gutwaalibwa wamu wadde nga mulimu endyo ezembala engatte eziri mu bimera byonna.

Ebisingawo bisange mu kiwandiiko kya ISAAA namba 44 “*Global Status of Commercialized Biotech/GM Crops: 2012*”( Embeera y'ebirime ebyembala ebyetunzi muni yonna:2012 ) ekyawandiikibwa Clive James.

Okumanyisibwa okusingawo kusange ku mukutu gwa Yintaneti oguyitibwa <http://www.isaaa.org> oba tuukirira ISAAA SEAsiaCenter ku ssimu namba +63495367216,oba ku email [info@isaaa.org](mailto:info@isaaa.org).